East African Community

EAC SIMPLIFIED GUIDE

Akatabo akagonzeddwamu ku bikwata ku Mitendera egifuga eby'Obusuubuzi by'Amakolero Amatono ennyo, Amatonotono ate n'Amaneneko (MSMEs) mu kusuubula Ebirime Ebyonooneka Amangu mu Mawanga g'Omukago gw'Ebuvanjuba bw'Afrika



Akatabo kano akagonzeddwamu kaawandiikibwa Dorothy M. Tuma okuva mu kunoonyereza n'ebitabo ebiralala ebyawandiikibwa ku bintu ebikwatagana n'emirimu gya Gavumenti

EBIKWATA KU KATABO

Omukago gw'amawanga g'omukago gw'Ebuvanjuba bw'Afrika gwongedde okunyweza empagi ez'okwegatta eziri mu Mateeka Agafuga emirimu egikolebwa ekibiina ky'Abakungu abavunaanyizibwa ku Nsuumusa y'Ebintu ku nsalo n'Akatale Akawamu. Ekisuubirwa mu kwegatta kw'Amawanga g'Omukago gw'Ebuvanjuba bw'Afrika kwe kufuna ekitundu ekyegasse awamu, ekisobola okuvuganya ku mutindo gw'ensi yonna nga bassa kimu ate nga mu mawanga gano ebyamaguzi, empeereza, entandikwa n'abantu bisobola okutambuzibwa awatali kusasula sente zonna. Noolwekyo, Oluwenda 6 olw'enkulaakulana y'Omukago gw'Ebuvanjuba bw'Afrika lusoosowaza ebintu byonna ebiyamba okutumbula eby'obusuubuzi n'okusiga ensimbi, okuggyawo emiziziko mu by'okusuubula awamu n'okutumbula okuvuganya, Okuggyawo obukwakkulizo bwonna obulala obulemesa eby'obusuubuzi (NTBs), ate n'okunyweza eby'obusuubuzi wakati w'amawanga ag'omukago awamu n'omulimu ogukolebwa ebibiina ebiwola ensimbi, amakolero amatono n'amanene (MSMEs).

Obumu ku bukwakkulizo obulemesa Eby'obusuubuzi bya makolero amatono ennyo, amatonotono ate n'amaneneko mu kitundu bwe butafuna mawulire oba okugafuna nga malambulukufu. Noolwekyo, Omukago gw'Ebuvanjuba bw'Afrika, awamu ne GFA/GIZ bakunnanyizza amawulire gano ne bakubamu akatabo akagonzeddwamu akalimu amawulire mu bujjuvu agatuukana n'embeera eriwo ate nga makulu nnyo agakwata ku mateeka, emitendera, ebyetaagisa, amateeka agagobererwa, ebyamaguzi gye biva, emisolo, ebisale, okusonyiyibwa emisolo n'obuyambi obuweebwa omakolero amatono ennyo, amatonotono n'amaneneko mu kusala ensalo basobole okukakkalabya egy'obusuubuzi mu kitundu.

Omukago gw'amawanga g'Ebuvanjuba bw'Afrika gatwala omukisa guno okusiima ennyo eggwanga lya Bigirimaani, okuyita mu Deutsche Gesellschaft für Internationale Zusammenarbeit(GIZ) abakolera wansi wa GIZ-EAC olw'okuwagira pulogulaamu y'okutumbula akatale k'ebyamaguzi ebirimiddwa n'ebikolebwa mu Buvanjuba bw'Afrika ate n'okwegatta okusoosowaza Omuntu wa bulijjo nga biteekebwa mu nkola Pulojekiti evunaanyizibwa ku makolero agongera omutindo ku byamaguzi ebiri mu kitundu. Babeebaza nnyo era olw'obuyambi mu magezi n'ensimbi bwe bawaddeyo mu kuwandiika akagonzeddwamu ku bikwata ku Mateeka, Emisoso n'emitendera egifuga eby'obusuubuzi mu mawanga g'omukago gw'Ebuvanjuba bw'Afrika akawandiikiddwa abasuubuzi b'amakolero amatono ennyo, amatonotono ate n'amaneneko.

Twebaza nnyo abakugu mu bye Kikula ky'abantu, mu by'Obulimi, mu by'Obusuubuzi, mu by'Okusuumusa abantu n'Ebyamaguzi ku nsalo n'Ebyamakolero okuva mu mawanga g'Omukago gw'Ebuvanjuba bw'Afrika olw'amaanyi gonna ge bataddemu okuwandiika akatabo kano.

Hon. Dr. Peter Mathuki
Omuwandiisi
Mu mukago gw'Ebuvanjuba bw'Afika

Table of Contents

	Ebikwata Ku Katabo	i
	Ennyanjula	iii
1	Omukago Gw'amawanga G'ebuvanjuba Bw'afrika...	1
2	Okwanguyizibwako Mu By'ensuubula – Obwangu N'amangu Mu Busuubuzi	1
3	Ebiwandiiko Ebyetaagisa	13
4	Emitendera Gy'okufulumya N'okuyingiza Ebyamaguzi Mu Mukago Gw'ebuvanjuba Bw'afrika	29
5	Amawulire Amakulu Agakwata Ku Misolo	37
6	Ebiwandiiko Ebikkirizibwa Mu Kutambula	39
7	Amateeka G'ekitongole Ky'ebyobulamu Eky'ensi Yonna Agagobererwa Mu Kuziyiza N'okwewala Lumiimamawuggwe (Covid-19)	41
8	Aw'okulaga Okufuna Obuyambi	42

Acronyms

AEO	Abasuubuzi abatongozebwa Gavumenti
COMESA	Akatale Akawamu mu Buvanjuba ne mu Maserengeta g'Afrika
COO	Satifikeeti eraga eggwanga ebyamaguzi gye biva
EAC	Omukago gw'Amawanga g'Ebuvanjuba bw'Afrika
MSME	Obukolero obutono ennyo, amatonotono n'amaneneko
OSBP	Ofiisi z'amawanga agagabana ensalo mu kifo kimu
SCOO	Satifikeeti eraga ebintu gye biva nga nnyangu okujjuza n'okutegeera
STR	Amateeka g'okusuubula agagonzeddwamu
WCO	Ekibiina ky'Ensi Yonna ekivunaanyizibwa ku bya Kasitoomu

ENNYANJULA

Okuva emirimu lwe gyatandika mu July 2000, Omukago gw'Amawanga g'Ebuvanjuba (EAC) gugenze mu maaso n'okunyweza obuwanguzi obw'amaanyi obutuukiddwako. Omukago gutadde mu nkola ebintu ebinaagusobozesa okutumbula entambuza y'ebyamaguzi n'obuweereza okuvvuunuka ensalo z'amawanga.

Wadde ng'ebintu ebyogeddwaako waggulu bikoleddwa, ogumu ku miziziko egizibuwaza eby'obusuubuzi mu makolero amatono ennyo, amatonotono n'amaneneko (MSMEs) bwe butafuna mangu mawulire ate n'obutamanya wa we gasangibwa. Abasuubuzi basanga obuzibu mu kufuna amawulire agakwata ku byamaguzi n'obuweereza ebikkirizibwa mu busuubuzi mu buli kinnalimu ku mawanga g'omukago, omutindo n'olukusa olwetaagisa, emisolo n'ebisale egisuubirirwa okusasulwa mu buli ggwanga ly'omukago, amateeka agafuga okuyingiza n'okufulumya ebyamaguzi mu buli ggwanga, emitendera n'entambuza y'ebyobusuubuzi, amateeka agateekebwa ku byamaguzi mu mawanga gye biva n'emitendera egiyitibwamu mu kuyisa ebyamaguzi ku nsalo z'amawanga, nga kw'otadde n'amawulire amalala amakulu mangi ageetagibwa okumanya okusozesa eby'obusuubuzi okutambula obulungi mu kiwendo kino. Ekirala, abasuubuzi tebamanyi wa we balina kugenda okufuna obuyambi okusobola okuvvuunuka ebisomooza bye basanga mu busuubuzi ate era ne gye balina okutwala okwemulugunya kwabwe.

Ekisuubirwa kiri nti bwe banaaba baweereddwa akatabo akagonzeddwamu nga kalimu emitendera egirambikiddwa ku mateeka n'emisoso egigobererwa mu busuubuzi bw'ebirime ebyonooneka amangu wakati w'amawanga g'omukago gw'Ebuvanjuba bw'Afrika, kajja kusobola okuluŋŋamya amakolero amatono ennyo, amatonotono n'amaneneko abasuubula ebyamaguzi bino. Akatabo kano kateeka essira ku birime ebyonooneka amangu (ebibala, enva endiirwa, emmere ey'omu ttaka n'emmere ey'ensigo), ebisolo, ebinyonyi ebirundibwa n'ebirala ebibyefaananyiriza (ennyama, ebikolebwa mu nnyama, amagi n'amata).

1

OMUKAGO GW'AMAWANGA G'EBUVANJUBA BW'AFRIKA

Ekitebe ekiddukanya omukago gw'amawanga g'ebuvanjuba bw'Afrika kye kibiina ekigatta Gavumenti z'amawanga nga Burundi, Kenya, Rwanda, Sudan eya Maserengeta, Uganda ne Tanzania era ng'ekitebe ekyo kisangibwa mu Arusha, Tanzania.

Endagaano y'okutandika Omukago gw'Amawanga g'Ebuvanjuba bw'Afrika yateekebwako emikono nga 30 Novemba 1999 era n'eteekebwa mu nkola nga 7 July 2000.

Okuva olwo Amawanga g'omukago gaatekawo ebintu bino wammanga:

1. Etteeka erikwata ku Kusuumusa ebintu ku nsalo z'Amawanga (2005) – Okusobola okugonza entambuza y'ebyamaguzi

2. Eteeka erikwata ku Katale Akawamu mu mawanga gonna (2010) – okusobola okugonza mu ntambula y'abakozi, abantu, empeereza n'okutandika emirimu mu kiwendo ky'amawanga g'omukago, ne

3. Etteeka erikwata ku Nsimbi Ezifaanagana (2013) – nga ligamba nti amawanga g'omukago galina okukozesa ensimbi ezifaanagana.

Amawanga g'omukago gw'ebuvanjuba bw'Afrika, nate galina ekirowoozo ky'okukola ekibiina ky'obufuzi kimu eyo gye bujja mu biseera eby'omu maaso.

2

OKWANGUYIRWA MU BY'OBUSUUBUZI – OBWANGU N'AMANGU MU BY'OBUSUUBUZI

Omukago gw'amawanga g'Ebuvanjuba bw'Afrika gutaddewo amakubo amapya agawerako ag'okwanguya n'okwanguyirwa eby'obusuubuzi mu mukago.

Okusobola okuganyulwa mu bujjuvu mu mpenda zino **zonna,** omuntu alina okuba ng'alina kampuni nga yagiwandiisa era ng'emannyiddwa mu butongole. Ezimu ku mpenda zinokoleddwaayo wano wammanga:

1. Ofiisi eziri awamu ku nsalo z'amawanga

Ofiisi eziri awamu kye kyokulabirako eky'amakubo ag'okwanguyirwamu eby'obusuubuzi agaatekebwawo okusobola okwanguya eby'obusuubuzi wakati w'amawanga ag'omukago. Ofiisi eziri awamu kitegeeza enteekateeka zonna endala (amateeka, amadaala n'emitendera mu bakola ku by'obusuubuzi) amawanga g'omukago gw'Ebuvanjuba bw'Afrika bye gakkiriziganyaako era ne gateeka mu nkola okusobozesa ebyamaguzi, abantu n'emmotoka ebisala ensalo wakati w'amawanga g'omukago okuyita mu ofiisi eziri awamu, mu kizimbe kye kimu nga bisuumusibwa eggwanga erimu okuyingira mu ggwanga eddala ku nsalo y'amawanga g'omukago.

Ebitongole bya Gavumenti byonna ebirina omukono mu kuddukanya emirimu ku nsalo (Emisolo ku biyingira n'ebifuluma, Abayingira mu ggwanga, Ebyobulamu, Omutindo, Ebyobulimi n'ebirala.) okuva mu mawanga agaliraanaganye, byonna bisangibwa mu kizimbe kimu.

Ofiisi bwe ziba awamu kikendeeza ku budde obutwalibwa mu kusala ensalo ate ne kyanguya n'emitendera gy'okukebera n'okuwa olukusa abo abasala ensalo. Mu kifo ky'okuyimirira emirundi ebiri n'ogenda mu ofiisi bbiri ku njuyi bbiri ez'ensalo z'amawanga abasuubuzi abasaza ebyamaguzi amawanga agalina ofiisi ku kizimbe ekimu, bayimirira omulundi gumu mu ofiisi y'eggwanga **gye batwala ebyamaguzi.**

Okugeza bw'oba ova mu Uganda ng'ogenda e Kenya ng'osala ensalo e Busia, ogenda kuyita ku kizimbe ekiriko ofiisi z'amawanga gombi. Naye tojja kwetaaga kugenda mu ofiisi ya Busia-Uganda. Ojja kugenda butereevu mu ofiisi ya Busia-Kenya, gy'ojja okusanga abakungu ba Gavumenti abakola ku nsalo ya Kenya ne Uganda ku kizimbe kimu. Buli ofiisi ejja kuba ng'ekola ku byamaguzi ebiyingira byokka. Busia-Kenya Ofiisi ng'ekola ku biyingira mu Kenya ne Busia-Uganda ng'ekola ku biyingira mu Uganda byokka. Ebifuluma n'ebiyingira byonna nga bikolebwako mu kizimbe kye kimu, ekigenda okwanguyiza n'okwanguya okusala ensalo. Wano wammanga waliwo ebyokulabirako bya ofiisi ez'enjawulo ezisangibwa ku nsalo.

Ofiisi z'Awayimirirwanga emirundi 2 ku nsalo

Yongeramu akasaale 2 aka bululu mu ggwanga A n'akookubiri akamyufu mu ggwanga B okulaga nti okutambula kweyongerayo ng'omaze okusala ensalo



Nga zigeraageranyizibwa (Offisi ku buli ludda olw'ensalo)

- Mu nkola eno, eggwanga A n'eggwanga B zigabana ofiisi mu ggwanga eriyingirwamu.
- Abasaabaze n'emmotoka tebayimirira mu ggwanga lye bafuluma. Bayimirira omulundi gumu mu ggwanga lye bayingira gye bakolera ku misoso gy'okufuluma n'okuyingira
- Eggwanga lye bayingiramu, emisoso gy'okufuluma gye gisooka egy'okuyingira.
- Ekyokulabirako, Taveta Kenya / Holili Tanzania ne Tanzania, Malaba Kenya / Malaba Uganda ne Busia Kenya / Busia Uganda.



Ggwanga A	Juxtaposed OSBP	Ggwanga B
Kenya	Taveta / Holili	Tanzania
Kenya	Malaba	Uganda
Kenya	Busia	Uganda

OFIISI EYAWAMU AWAYIMIRIRWA KU NSALO

- Mu nkola eno, eggwanga A n'eggwanga B zigabana ofiisi ezimbiddwa ku njuyi zombi ez'amawanga .
- Abasaabaze n'emmotoka bayimirira omulundi gumu ku nsalo. Emisoso gy'okufuluma gye gisooka okumalirizibwa n'oluvannyuma egy'okuyingira.
- Ekyokulabirako, Ensalo ya Nemba Burundi / Gasenyi Rwanda



Ggwanga A	Straddled OSBP	Ggwanga B
Burundi	Nemba/ Gasenyi	Rwanda

OKUGULU OKUMU MU GGWANGA ERIMU N'OKULALA MU GGWANGA EDDALA (OFIISI EZIRI AWAMU KU NSALO KWENNYINI

- Mu nkola eno, eggwanga A n'eggwanga B zigabana ofiisi ng'ezimbiddwa mu ggwanga limu.
- Abakungu b'amawanga gombi bonna basangibwa mu ofiisi ze zimu. Ekyokulabirako, Ensalo ya Nemba Burundi / Gasenyi Rwanda
- Abasaabaze n'emmotoka bayimirira omulundi gumu ku nsalo. Emisoso gy'okufuluma gye gisooka okumalirizibwa n'oluvannyuma egy'okuyingira.
- Ekyokulabirako, Ruhwa Burundi ku nsalo gye bagabana ne Rwanda.



GgwangaA	Wholly located OSBP	Ggwanga B
Burundi	Ruhwa in Burundi	Rwanda

2. Ofiisi emu esangibwa ku mutimbagano

Ekozesebwa kampuni ezewandiisa zokka, ofiisi ezisangibwa ku mutimbagano mu ggwanga ziyamba okuwa amawulire n'ebiwandiiko ebikulu ebyetaagisa mu kufulumya n'okuyingiza ebyamaguzi okusobola okutuukiriza ebisaanyizo ebyetaagibwa mu kufulumya/okuyingiza n'okutambuza ebyamaguzi ng'oyita mu ofiisi emu ekuyingiza, mu nkola ey'omutimbagano esobola okutuukibwako abantu bonna abeetaba mu kuyingiza n'okufulumya ebyamaguzi. Kino kiggyawo omutendera ogw'okutambuza ebiwandiiko okuva mu ofiisi emu okudda mu ndala ate ne kikendeeza ne ku budde obutwalibwa mu kunoonya empapula n'okuwa olukusa.

Amawulire bwe gamala okuyingizibwa mu kompuuta (kikolebwa agenti avunaanyizibwa mu kuyisaawo ebyamaguzi), ekibangirizi ky'okumutimbagano kiweereza amawulire n'ebiwandiiko ebiteekeddwaawo n'ab'obuyinza abavunaanyizibwa mu kwanguyako eby'obusuubuzi. Olwo nno ab'obuyinza mu kukebera ebyamaguzi ne basobola okuteekako omukono n'okumaliriza emitendera ku mutimbagano. Abakungu bonna abavunaanyizibwa mu by'obusuubuzi mu kitundu (okugeza abakungu ba Gavumenti, abakungu ba kasitoomu mu byamaguzi ku nsalo, ab'ebyobulamu, abakola ku butebenkevu-. – ne ba agenti abavunaanyizibwa mu kuyisaawo ebyamaguzi, ababitambuza, ennyonyi, banka, abasuubuzi abafulumya n'abayingiza ebyamaguzi) basobola bulungi nnyo okufuna amawulire n'ebiwandiiko (nga bafunye olukusa), nga bayita ku mukutu gw'omutimbagano gwe gumu okusobola okumaliriza emitendera gy'okwekkenneenya ebyamaguzi bye bavunaanyizibwako.

ELECTRONIC SINGLE WINDOW



3. Abasuubuzi Abaatongozebwa (AEOs)

Ekibiina ky'Ensi Yonna ekivunaanyizibwa ku bya Kasitoomu (WCO) kiri ku mutindo gwa nsi yonna, kyetongodde, kigatta Gavumenti z'amawanga ag'enjawulo, nga n'ekigendererwa kyakyo kwe kukakasa nti abakola ku kusomosa ebyamaguzi wakati w'amawanga balongoosa n'okwanguyaako mu nkola yaabwe.

Mu ngeri endala WCO kiyamba bammemba b'ekibiina abavuunanyizibwa ku kufulumya n'okuyingiza ebyamaguzi okulongoosa enkola y'emirimu gyabwe ate nga bakozesa sente ntono. Ebitongole ebiwooza emisolo mu mawanga g'omukago gw'Ebuvanjuba w'Afrika gonna galina obwammemba mu Kibiina ky'Ensi Yonna ekivunaanyizibwa ku bya Kasitoomu.

Amateeka agafuga omutindo gw'okukuuma n'okwanguya ebyobusuubuzi mu Kibiina ky'Ensi Yonna ekivunaanyizibwa ku bya Kasitoomu era agayitibwa, Amateeka agafuga omutindo (SAFE) gannyonnyola Kitunzi w'Ebyamaguzi Omutongole ng'omuntu avunaanyizibwa okutambuza ebyamaguzi ku muntindo gw'ensi yonna, ku buli mukolo, eyakakasibwa, ku lw'ekibina ekivunaanyizibwa ku kufulumya n'okuyingiza ebyamaguzi mu ggwanga era agoberera amateeka g'Ekibiina ky'Ensi Yonna ekivunaanyizibwa ku bya Kasitoomu oba omuyungirizi ogukola ku nsasaanya ebyamaguzi

Noolwekyo Abasuubuzi abatongozebwa Gavumenti (abantu bassekinnoomu, Kampuni oba ba Agenti) abafulumya oba okuyingiza ebyamaguzi:

1. Beewandiisa mu butongole era ne bakkirizibwa okukolera mu ggwanga lyabwe
2. Basasula bulungi emisolo
3. Bafulumya/bayingiza ebyamaguzi ng'agoberera amateeka g'ekibiina ky'ensi yonna ekikola ku kufulumya n'okuyingiza ebyamaguzi.
4. Gawaayo okusaba eri abakungu abavunaanyizibwa ku nsuumusa y'ebyamaguzi ebiyingira n'ebifuluma mu ggwanga batongozebwe nga Abasuubuzi abatongozebwa Gavumenti

Abasuubuzi abatongozebwa Gavumenti. Enkola yeemu yegobererwa mu kulonda bakitunzi mu mawanga gonna ag'omukago gw'Ebuvanjuba w'Afrika. Mu bakitunzi abatongole mulimu abamakolero, abasuubuzi, abayingiza ebyamaguzi mu ggwanga, abafulumya ebyamaguzi mu ggwanga, bakayungirizi, abatambuza ebintu, abakunganya b'amawulire g'ebyobusuubuzi, abakiikirira amakolero amanene, emyalo, ebisaawe by'ennyonyi, abaddukanya emikutu okuyita abantu, ekibiina ekigatta abasuubuzi, amaterekero g'ebyamaguzi n'abatambuza ebyamaguzi okubigaba.

Ng'ogyeeko okwanguya emitendera gy'okukebera n'okuyisaawo ebyamaguzi, Abasuubuzi abatongozebwa Gavumenti be basooka okukolebwako mu kukebera emigugu, okusonyiyibwa emisolo mu kutereka ebyamaguzi ebitambuzibwa ate n'okusasulwa amangu sente zonna ze baba balina okuddizibwa.

4. Emikutu okusangibwa amawulire g'ebyobusuubuzi

Emikutu gy'okumitimbagano okuli amawulire g'ebyobusuubuzi, galunnamya abantu ku mitendera egy'enjawulo gye balina okuyitamu okufuna layisinsi, olukusa olwetaagisa nga tonnayingiza oba kufulumya byamaguzi, ebyetaagisa okuyingiza oba okufulumya ebyamaguzi, ofiisi mwe basobola okufuna obuyambi awamu n'okumanya wa we balina okugenda okusobola okutegeera ebikwata ku bukwakkulizo obulemesa eby'obusuubuzi ng'oggyeko emisolo. Omukutu gw'amawulire agasangibwa mu kitundu eky'omukago gw'Ebuvanjuba bw'Afrika okuli amawulire (https://tradehelpdesk.eac.int/) gukolera wamu n'emikutu gy'amawulire mu mawanga g'omukago gw'Ebuvanjuba bw'Afrika.



Abasuubuzi abalina ebyamaguzi ebingi ennyo nga tebisobola kuyita mu Nkola y'okwanguya eby'obusuubuzi bajja kuganyulwa mu mawulire agali ku mikutu

5. Amateeka ge by'obusuubuzi agagonzeddwamu

Enkola ennyangu mu kutambuza ebyamaguzi yateekebwawo okusobola okwanguya n'okulokola ebiseera eri abasuubuzi b'ebyamaguzi ebitonotono abasala ensalo nga batunda ebyamaguzi ebirimiddwa oba ebikoleddwa mu mawanga g'omukago gw'Ebuvanjuba bw'Afrika (ekitegeeza ebintu ebiva mu Buvanjuba bw'Afrika) nga basuubuza amawanga gannaabwe mu Buvanjuba bw'Afrika.

Enkola y'okwanguya eby'obusuubuzi ekwata ku byamaguzi ebiweza obungi bwa doola z'Amerika 2,000 n'okukka wansi.

3

EBIWANDIIKO EBYETAAGISA

Abasuubuzi abayingiza n'abafulumya ebyamaguzi ebyonooneka amangu nga biva mu Buvanjuba bw'Afrika era nga mwe bitundibwa biyinza okugwa mu kimu ku biti bino eby'enjawulo:
Ekiti 1: Obungi bw'ebyamaguzi nga bwenkana oba nga tebuweza ddoola z'Amerika 2,000
n'ekiti 2: Obungi bw'ebyamaguzi nga busussa ddoola z'Amerika 2,000.

Abasuubuzi abalina ebyamaguzi nga byenkana oba nga tebiweza ddoola z'Amerika 2,000 bakkirizibwa okukolera mu nkola ey'okwanguya eby'obusuubuzi. Abasuubuzi abalina ebyamaguzi ebisussa ddoola z'Amerika 2,000 bajja kugoberera emitendera emitongole egy'okuyingiza n'okufulumya ebyamaguzi.

Abasuubuzi bonna ab'ebirime n'ebyamaguzi ebiva mu birundibwa ebyonooneka amangu (ng'ebisolo, ebinyonyi n'ebibivaamu) beetaagibwa okuwaayo ebyamaguzi byabwe ku nsalo bikeberebwe oba biyonjo era oba biri mu mbeera nnungi.

Wadde ng'abasuubuzi b'ebyamaguzi ebiva mu birundibwa balina okuba n'ebiwandiiko ebitongole ebiraga nti ebyamaguzi biri ku mutindo gw'ebyo buyonjo era nga biri mu mbeera nnungi, ebiwandiiko bino biyinza obutasabibwa basuubuzi ba birime abakolera mu nkola y'okwanguya eby'obusuubuzi.

Abasuubuzi bakubirizibwa okumanya biki ebyetaagibwa ku nsalo kwe bagenda okuyita kubanga:
1. tekitegeeza nti ensalo zonna tezijja kubasaba biwandiiko ate
2. embeera ku nsalo yonna esobola okukyuka essaawa yonna.

Ekya STR kikwatagana n'ebyamaguzi ebitasukka ddoola 2000?

ezenkana ne ddoola 2000

Enkola eyanguya Ebyobusuubuzi

- Emitendera egikolebwa n'omukono sso ssi komputa.
- Ebiwandiiko ebitegekebwa Ofiisa wa Kasitoomu mu ofiisi evunaanyizibwa ku Mawulire g'Ebyobusuubuzi.

ezisukka mu ddoola 2000

Amateeka agafuga ebyamaguzi Ebifuluma/ Ebiyingizibwa mu ggwanga

-Emitendera gya ku mutimbagano.
- Ffuna Agenti Ayisaawo Ebyamaguzi.

Bino wammanga bye biwandiiko ebyetaagisa.

Ebiwandiiko ebyetaagibwa

Ekiwandiiko	Enkola y'okwanguya eby'obusuubuzi	Emitendera gy'okuyingiza/ okufulumya ebyamaguzi emitongole
Pamiti y'Okutwala ebintu ebweru w'eggwanga (egabibwa eggwanga erifulumya ebyamaguzi)	Eyinza obutasabibwa basuubuzi ba birime	X
Ebisasulwa / Alisiiti (egabibwa eggwanga erifulumya ebyamaguzi)	X	X
Satifiketi eraga ebyamaguzi gye biva (egabibwa eggwanga erifulumya ebyamaguzi	X	X
Satifikeeti eraga okutuukirira kw'omutindo – ebyamaguzi ebyongeddwako omutindo (egabibwa eggwanga erifulumya ebyamaguzi)	Eyinza obutasabibwa	X
Satifikeeti y'ebyobulamu oba eraga nti ebisuubulwa tebirina bulwadde (egabibwa eggwanga erifulumya ebyamaguzi)	Eyinza obutasabibwa basuubuzi ba birime ebyonooneka amangu	X
Satifikeeti y'okuyingiza ebyamaguzi oba olukusa lw'okuyingiza ebimera mu ggwanga – egabibwa ng'ebyamaguzi bimaze okukeberebwa ne bisangibwa nga bituukana n'omutindo gw'ebyobulamu era nga biri mu mbeera nnungi (egabibwa eggwanga eriyingiza ebyamaguzi)	Eyinza obutasabibwa basuubuzi ba birime	X
Satifikeeti eraga nti ebyamaguzi tebiriimu butwa(egabibwa ku byamaguzi ebiyingizibwa mu Tanzania)		X
Foomu eraga nti emigugu gikebereddwa (ku nsalo y'eggwanga eriyingiza	X	Tekyetaagisa
Ekiwandiiko kimu ekikkirizibwa wonna (Agenti avunaanyizibwa ku nsuumusa y'ebintu	Tekyetaagisa	X

1. Pamiti/olukusa lw'okutwala ebyamaguzi ebweru w'eggwanga
Abasuubuzi ne kampuni ezisuubula abeewandiisa nga baagala okutwala ebyamaguzi ebweru w'eggwanga balina okwewandiisa mu bakungu mu ggwanga abavunaanyizibwa ku kutwala ebyamaguzi ebweru w'eggwanga nga basaba olukusa lw'okutwala ebyamaguzi ebweru w'eggwanga. Abasuubuzi abatewandiisanga oba abakola mu ngeri etamanyiddwa tebeetaaga lukusa luno

2. Olukalala lw'ebitundibwa /Alisiiti
Abasuubuzi abaagala okutwala/okuyingiza ebyamaguzi ebweru w'eggwanga balina okuwaayo obukakafu bw'omuwendo oba sente z'ebyamaguzi ebirimibwa ebyonooneka amangu bye basuubula. Kino kiyamba:
(1) okumanya ebyamaguzi we bigwa oba mu nkola y'okwanguya eby'obusuubuzi oba mu kiti ky'emitendera gy'okuyingiza/okufulumya ebyamaguzi emitongole ne
(2) Enteebereza ya sente eziyingizibwa mu misolo egirina okusasulwa, ng'omusolo ogulina okusasulwa ebyamaguzi we biyingizibwa mu ggwanga, bwe guba weeguli mu ggwanga.

3. Satifikeeti ennyangu okutegeera eraga ebyamaguzi gye biva
Satifiketi eraga ebyamaguzi gye biva ekakasa nti ebyamaguzi ebiwandiikiddwa ku Satifikeeti byakolebwa oba byalimibwa mu ggwanga eryagaba Satifikeeti. Singa enva ezigenda okutwalibwa ebweru w'eggwanga ziba nga zaalimibwa mu Kenya, Kenya y'egaba Satifikeeti ekakasa nti enva zirimibwa Kenya.

Satifikeeti ennyangu eraga ebyamaguzi gye biva nnyimpi nnyo era nnyangu okujjuza okusinga empanvu. Satifikeeti ennyangu eraga ebyamaguzi gye biva ekozesebwa ku byamaguzi ebyenkana oba ebitaweza ddoola z'Amerika 2,000. Foomu za Satifikeeti eziraga ebyamaguzi gye biva **za bwereere** eri abasuubuzi.

Ebyamaguzi birina okugenderako Satifikeeti eraga gye biva okusobola okuba nga teziwoozebwako misolo nga biyingizibwa mu ggwanga lya Buvanjuba bw'Afrika eddala. Omusuubuzi bw'agamba nti ennyaanya zayingiza mu Rwanda ziva Tanzania naye nga talina Satifikeeti emuweereddwa Tanzania, omusuubuzi oyo asasuzibwa omusolo gw'okuyingiza ennyaanya mu Rwanda.

Amateeka agafuga ebyamaguzi gye biva
Okusobola okusonyiyibwa ddala omusolo ku byamaguzi ebiyingizibwa mu mawanga g'omukago gw'Ebuvanjuba bw'Afrika, ebyamaguzi ebyo birina okuba nga bituukiriza waakiri ekimu ku bisaanyizo bino ebibiri ebiraga gye biva.

Etteeka 1: Ebyamaguzi birina okuba nga bikolebwa/birimibwa mu mawanga g'omukago gw'Ebuvanjuba bw'Afrika 100%, nga tewali kikozesebwa kyonna kyaggibwa bweru wa ggwanga. Mu byokulabirako mulimu ebyamaguzi ebyakakungulwa, eby'obugagga eby'omuttaka, ebisolo ebiramu n'ebikolebwamu n'ebyo ebiva mu kuyigga n'okuvuba.

Etteeka 2: Ebyamaguzi ebyongeddwako omutindo omuli ebikozesebwa ebiggibwa ebweru w'eggwanga birina okuba nga biyisiddwa mu mitendera **egimala** oba okukyusibwa mu buzito oba endabika yaabyo mu mawanga g'Ebuvanjuba bw'Afrika, nga bwe kyasalibwawo ku nsalo mu mateeka agafuba ebyamaguzi gye biva.

Amateeka agafuga ebyamaguzi gye biva –Ebyokulabirako
Omukamuzi w'omubisi singa asuubula n'ayingiza omubisi gw'emicungwa okuva ebweru w'amawanga g'omukago gw'Ebuvanjuba bw'Afrika n'abiyingiza mu Kenya, n'ayongeramu sukaali, naddamu n'apakira omubisi gw'emicungwa ate n'abifulumya n'abitwala e Rwanda, omubisi gw'emicungwa ogwongeddwamu sukaali guba tegukyabalibwa kuba nga guva mu mawanga g'Ebuvanjuba bw'Afrika. Okugattamu obugassi sukaali n'okuddamu okupakira mu Kenya tekimatiza kubeera ng'omubisi gw'emicungwa gutwalibwa okuba nga guva mu mawanga g'omukago gw'Ebuvanjuba bw'Afrika. Era omubisi guno bwe guyingizibwa e Rwanda gulina okusasulwako emisolo.

Sso ate, singa omukamuzi w'omubisi ow'e Kenya akamula omubisi mu micungwa egirimibwa mu Kenya naye n'agula langi egattibwa mu mubisi okuva ebweru w'amawanga g'omukago gw'Ebuvanjuba bw'Afrika, n'agupakira bulungi n'oluvannyuma n'agutunda e Rwanda, olw'okuba emicungwa giva Kenya ate era n'egikamulwa e Kenya, omubisi guno gutwalibwa okuba nga guva Kenya era tegusasulwako misolo nga guyingizibwa e Rwanda.

Gy'osobola okufuna Satifikeeti eraga ebyamaguzi gye biva ng'oli ku nsalo
Foomu zisangibwa mu ofiisi ezivunaanyizibwa ku kuyingira n'okufulumya ebyamaguzi, kitongole ekivunaanyizibwa ku by'obusuubuzi, ofiisi y'amawulire g'ebyobusuubuzi ku nsalo, oluusi n'ebifo ebikkiriziddwa ofiisi ezivunaanyizibwa ku kuyingira n'okufulumya ebyamaguzi era n'okuva eri ekibiina ky'abakyala abasuubuzi okusala ensalo z'amawanga. (okugeza e Busia, Uganda).

Country	Agency at the Border	Cost of the SCOO Form
Burundi	Ekitongole ekiwooza emisolo mu Burundi	Za Bwereere
Kenya	Ekitongole ekiwooza emisolo mu Kenya	Za Bwereere
Rwanda	Ekitongole ekiwooza emisolo mu Rwanda	Za Bwereere
Tanzania	Ekitongole ekiwooza emisolo mu Tanzania okuyita mu ba Agenti abatambuza ebyamaguzi	Za Bwereere
Uganda	Ekitongole ekiwooza emisolo mu Uganda ne Ofiisi omuli amawulire agakata ku by'obusuubuzi mu COMESA	Za Bwereere
Sudan eya Maserengeta	Yali tennateekebwa mu nkola mu kiseera amateeka gano we gaafulumizibwa	Tekyetaagisa

Wadde nga Foomu za Satifikeeti eraga ebyamaguzi gye biva si yakusasulira, ofiisi y'amawulire g'ebyobusuubuzi eyinza okusaba omusuubuzi akasente ak'okumujjuliza foomu. Foomu eraga ebyamaguzi gye biva egabibwa buli musuubuzi lw'aba agenda okukola era tesobola kukozesebwa mulundi gusukka mu gumu.

Foomu eziraga ebyamaguzi gye biva zisomebwa okukakasibwa ne ziteekebwako emikono ofiisi ezivunaanyizibwa ku kuyingira n'okufulumya ebyamaguzi mu ggwanga, ebyamaguzi ebirime gye birimibwa, era eriyitibwa eggwanga eritunda ebyamaguzi ebweru w'eggwanga.

Ekyokulabirako kya Satifikeeti eraga ebyamaguzi gye biva

EAST AFRICAN COMMUNITY SIMPLIFIED CERTIFICATE OF ORIGIN

(For goods of a value not exceeding US $ 2000)

(Kwa bidhaa zenye dhamani isiyozidi US$ 2000)

1) Exporter (name, full address, country) *Msafirishaji (Jina na Anwani)*	Reference Number ..... *Kumb Na*	
2) Importer (Names & address) *Mwingizaji Bidhaa/ Jina na anwan yake)*	3)Country of Origin *Uthibitisho wa Uasili wa Bidhaa*	
4)Description of goods *(Maelezo ya Bidhaa)*	5)No. and type of packages *Namba na aina ya kifunushi*	6)Value *Thamani*
7)Declaration by Exporter/Importer *Tamko la Msafirishaji/Msalishaji/Mgavi* I, the undersigned Mr/Mrs/Ms..... declare that the goods described above have been produced (country) .....in accordance with the EAC Rules of Origin. Signature..... *(Saini)* Place..... *(Mahali)* Date..... *(Tarehe)* Official stamp *(Mhuri)*	8)Customs Endorsement *(Uthibitisho wa Forodha)* I, the undersigned, hereby endorse the exporters' declaration and certify that the goods qualify under the EAC Rules of Origin. Signature..... ..... *(Saini)* Place..... *(Mahali)* Date..... *(Tarehe* Official stamp *(Mhuri)*	

4. Ebiwandiiko ebiraga nti ebyamaguzi biyonjo era biri mu mbeera nnungi

Waliwo ebiwandiiko ebiraga nti ebyamaguzi biyonjo era biri mu mbeera nnungi era biwerako

4.1 Satifikeeti eraga nti ebyamaguzi biri ku mutindo

Satifikeeti eraga nti ebyamaguzi biri ku Mutindo egabibwa Ekitongole ekikola ku by'Omutindo mu ggwanga erifulumya ebyamaguzi ebweru w'eggwanga. Ekakasa ng'ebyamaguzi ebifulumizibwa eggwanga bikebeddwa, bituukana n'omutindo ogwateekebwawo mu ggwanga era nga si bya bulabe eri abagenda okubikozesa. Ennyama ennongoseemu omutindo ne mw'epakirwa, ebikolebwa mu nnyama n'amata birina okutuukana n'omutindo ogwetaagisa. Mu kino tewali asonyiyibwa.

Ofiisi z'Ekitongole ekivunaanyizibwa ku kukuuma Omutindo mu ggwanga ezisangibwa ku zimu ku nsalo z'amawanga g'omukago gw'Ebuvanjuba bw'Afrika zirina ebisenge ebikeberebwamu ebikola okukebera okwetaagisa. Wabula ku nsalo ezimu, ebikeberebwa babisindika mu bisenge by'eggwanga ebikeberebwamu mu kibuga ekikulu, ekireeta okulwawo ennyo.

Eggwanga	Ekitongole Ekivunaanyizibwa	Sente
Burundi	Ekitongole ekivunaanyizibwa ku kukuuma omutindo mu Burundi	Sente ez'okukebera zikyuka okusinziira ku kyamaguzi (Kakasa okuva eri Ekitongole ekivunaanyizibwa)
Kenya	Ekitongole ekivunaanyizibwa ku kukuuma omutindo mu Kenya	
Rwanda	Ekitongole ekivunaanyizibwa ku kukuuma omutindo mu Rwanda	
Tanzania	Ekitongole ekivunaanyizibwa ku kukuuma omutindo mu Tanzania	
Uganda	Ekitongole ekivunaanyizibwa ku kukuuma omutindo mu Uganda	
Sudan eya Maserengeta	Ekitongole ekivunaanyizibwa ku kukuuma omutindo mu Sudan eya Maserengeta	

4.2 Satifikeeti eraga nti ebitundibwa tebiriimu bulwadde

Satifikeeti ya Gavumenti ewa obukakafu oba ekakasa nti ebirime okugeza nga (enva endiirwa, ensigo ne' bibala) ebiwandiikiddwa ku satifikeeti, tebirina oba tebisangwidamu buwuuka obutawanya ebirime oba ndwadde za bulabe ezikwata ebirime mu nimiro. Era insipekita owe' birime, eyakakasibwa yeekebejja ebirime e bya maguzi, naki zula nti ebyamaguzi bino:
(a) bipakiddwa bulungi mu bintu ebitaliimu biwuka,
(b) bulwadde oba omuddo.

Abasuubuzi abali mu nkola y'ebyobusuubuzi ebigonzeddwamu (STR) tebasabibwa satifikeeti eno. Wabula ebyamaguzi bye batambuza okutwala ebweru w'eggwanga birina okukeberebwa omukugu eyakakasibwa.

Satifikeeti eraga nti ebitundibwa tebiriimu bulwadde esobola okufunibwa okuva eri ebitongole ebyakakasibwa gavumenti bino wammanga mu mawanga ag'omukago gw'Ebuvanjuba bw'Afrika. Ebisale ebisabibwa mu buli ggwanga okutuuka mu Sebutemba 2021 nabyo birambikiddwa.

Eggwanga	Ekitongole	Ebisale
Burundi	Ekitongole ekivunaanyizibwa ku kukuuma Ebirime (Ministule y'embeera y'obudde, Eby'obulimi n'ebisolo)	
Kenya	Ekitongole ekivunaanyizibwa ku kukebera embeera y'ebirime e Kenya	KES 1,000 (zikyukakyuka)
Rwanda	Ekitongole ekivunaanyizibwa ku kwekebejja n'okugaba satifikeeti	RWF 2,000
Tanzania	Divisoni ekakasa nti eggwanga lirina emmere emala (Ministule y'Ebyobulimi)	TZS 35,700
Uganda	Ekitongole ekivunaanyizibwa ku kwekebejja ebirime (Ministule y'Ebyobulimi, Eby'obulunzi n'Okuvuba)	UGX 5,000 (okusaba olukusa) UGX 20,000 (kukebera)
Sudan eya Maserengeta	South Sudan National Bureau of Standards	

4.3 Satifikeeti ennyonnyola embeera y'obulamu ensolo mweri

Satifikeeti eno egabibwa Omusawo wa Gavumenti ow'ebisolo ku Ofiisi evunaanyizibwa n'ebyebisolo oba Ministule evunaanyizibwa ku kulabirira eby'obulunzi *(genda ku bubokisi obulaga ebitongole ebivunaanyizibwa ku by'obulamu n'entebenkera mu Mawanga g'Ebuvanjuba bw'Afrika, wano wammanga).* Satifiketi zirina okubaawo ku bisolo ebiramu/Ebinyonyi ebiyingizibwa mu ggwanga.

4.4 Satifikeeti/Pamiti ey'okuyingiza ebintu mu ggwanga

Satifikeeti y'okuyingiza ebintu mu ggwanga (olukusa) egabibwa ekitongole kya Gavumenti ekyakakasibwa mu ggwanga eriyingiza ebintu era ekakasa nti ebyamaguzi ebiragiddwa ku satifikeeti (lukusa) bituukana n'omutindo gw'ebyobulamu n'obuyonjo/tebirina ndwadde era nga tebirina bulabe eri bonna abalya.

Gigabibwa olw'ebyamaguzi/bisolo ebituukiriza ebyetaagisa okusobola okuweebwa satifiketi era okutuukirira kw'omutindo, satifiketi eraga nti ensolo/ebirime tebirina ndwadde oba satifiketi ennyonyola embeera y'obulamu bw'ensolo. E Tanzania, ebyamaguzi ebiyingizibwa mu ggwanga birina okuba nga byakakasibwa nti tebirina kubaamu masannyalaze ga ladiyasoni agakosa obulamu bw'abantu.

Abasuubuzi abagoberera enkola eyanguya eby'obusuubuzi bayinza obutasabibwa satifikeeti yakuyingiza bintu mu ggwanga oba pamiti y'ebyamaguzi ebirime. Wabula ebyamaguzi bye bayingiza mu ggwanga birina okukeberebwa Omukungu wa Kasitoomu ku bintu ebifuluma n'ebiyingira mu ggwanga eriyingiza ebyamaguzi.

Satifikeeti y'okuyingiza ebyamaguzi efunibwa okuva eri ebitongole ebyatongozebwa ebyogeddwako wammanga mu mawanga g'omukago gw'Ebuvanjuba bw'Afrika. Ebisale ebisasulwa mu buli ggwanga okutuuka mu Sebutemba 2021 nabyo biweereddwa.

Eggwanga	Ekitongole	Fees
Burundi		
Kenya	Ekitongole ekivunaanyizibwa ku kukebera embeera y'ebirime e Kenya	KES 1,400
Rwanda	Ekitongole ekivunaanyizibwa ku kwekebejja n'okugaba satifikeeti	Ya bawereere
Tanzania	Divisoni ekakasa nti eggwanga lirina emmere emala	TZS 11,592
Uganda	Minisitule y'Ebyobulimi, Eby'obulunzi n'Okuvuba	UGX 5,000 (okusaba) UGX 20,000 (okukebera)
Sudan eya Maserengeta	Republic of South Sudan Ministry of Trade and Industry	

4.5 Satifikeeti eraga ng'ebyamaguzi tebiriimu masannyalaze ga ladiyasoni

Kino kisaanyizo ekirina okutuukirizibwa ku buli mmere yonna eyingizibwa mu Tanzania. Satifikeeti eno egabibwa Akakiiko akavunaanyizibwa ku mukka ogw'obutwa.

Ebitongole bya Gavumenti ebivunaanyizibwa ku bulamu n'obuyonjo bw'emmere, ebisolo n'abantu mu mawanga g'omukago gw'Ebuvanjuba bw'Afrika

(kyasimbuddwa: Akatabo akagonzeddwamu eri abakyala abasuubulira ku nsalo mu bu bizinensi obutono ennyo , aba bu bizinensi ento n'enneneko, abasuubuzi n'abo abali mu mpeereza mu Mukago gw'Ebuvanjuba bw'Afrika)

Eggwanga ly''omukago gwa EA	Ebitongole bya Gavumenti ebisinga obukulu
Burundi	• Ekitongole ekivunaanyizibwa ku kukuuma ebimera nga kikolera wansi wa Minisitule y'Ebyobulimi, Eby'obulunzi n'Eby'obuvubi–olw'okuyingiza mu ggwanga ebimera, emmere y'obuwunga (nga kasooli aseeseddwa/ow'empeke, ebijanjaalo n'ebirala), ensigo, ebisolo ebirundibwa n'ebyennyanja • Ekitongole ekivunaanyizibwa ku kukuuma omutindo mu Burundi OBA Bureau Burundais de Normalisation et Contrôle de la Qualité (BBN) –okuyingiza mu ggwanga emmere eyongeddwako omutindo, eddagala n'ebyamaguzi ebiva mu makolero

 Kenya	• Ekitongole ekivunaanyizibwa ku kukebera embeera y'ebirime e Kenya nga kikolera wansi wa Minisitule y'Ebyobulimi- okuyingiza mu ggwanga ensigo, obuwunga n'ebimera • Ekitongole ekivunaanyizibwa ku mutindo –mu kuyingiza mu ggwanga emmere eyongeddwako omutindo, eddagala n'ebyamaguzi ebiva mu makolero • Ekitongole by'ebyobuvubi mu Minisitule evunaanyizibwa ku kukulaakulanya eby'obuvubi –Mu kuyingiza mu ggwanga ebyennyanja • Ekitongole ekivunaanyizibwa ku kujjanjaba ebisolo, ng'ekolera wansi wa Minisitule evunaanyizibwa ku kukulaakulanya eby'obulunzi –Mu kuyingiza mu ggwanga ebisolo ebirundibwa n'ebisolo ebirala • Ekitongole ekivunaanyizibwa ku buyonjo n'omutindo gw'emmere, wansi wa Minisitule y'ebyobulamu bw'abantu bonna-olw'okuyingiza mu ggwanga emmere y'obuwunga, emmere eyongeddwako omutindo n'eddagala
 Rwanda	• Minisitule y'Ebyobulimi n'ebisolo–okuyingiza mu ggwanga ensigo, emmere y'obuwunga, ebirime, ebisolo ebirundibwa n'ebisolo ebirala • Minisitule y'Ebyobulamu–okuyingiza mu ggwanga emmere egattiddwako omutindo n'eddagala • Ekitongole ekivunaanyizibwa ku kukuuma omutindo mu Rwanda – okuyingiza mu ggwanga emmere egattiddwako omutindo, eddagala n'ebyamaguzi ebiva mu makolero

Tanzania	• Ekitongole ekivunanyizibwa kubyamalagala nebikozesebwa mukujjanjaba mu Tanzania (TMDA) – okuyingiza mu ggwanga emmere egattiddwako omutindo, emmere ey'obuwunga n'eddagala • Ekitongole ekivunaanyizibwa ku kukuuma omutindo gw'ebintu mu Tanzania – okuyingiza mu ggwanga emmere egattiddwako omutindo, eddagala n'ebyamaguzi ebiva mu makolero • Akakiiko akavunaanyizibwa ku mukka ogw'obutwa – Emmere yonna eyingizibwa mu Tanzania ng'egattiddwako omutindo erina okukeberebwa Ekitongole kino okukasa nga temuli butwa • Ekitongole ky'ebyobuvubi wansi wa Minisitule evunaanyizibwa ku kukulaakulanya ennunda y'ebisolo n'ebyobuvubi – okuyingiza ebyennyanja mu ggwanga • Minisitule oba Ekitongole evunanyizibwa E byobulimi – evunaanyizibwa ku kuyingiza mu ggwanga emmere egattiddwako omutindo n'emmere ey'obuwunga • Ekitongole ekivunanyizibwa ku bulamu bw'ebirime wamu neddagala eritta obuwuka bwaamu (TPHA) – okuyingiza mu ggwanga ensigo n'ebimera • Ekitongole ekivunaanyizibwa ku kujjanjaba ebisolo wansi wa Minisitule evunaanyizibwa ku kukulakulanya eby'obulunzi n'ebyobuvubi – okuyingiza mu ggwanga ebisolo ebirundibwa n'ebirala
Uganda	• Minisitule y'Ebyobulamu – okuyingiza mu ggwanga emmere eyongeddwako omutindo n'eddagala • Minisitule y'Ebyobulimi, Eby'obulunzi n'Eby'obuvubi – okuyingiza mu ggwanga emmere ey'obuwunga, ebimera, ensigo, ebyennyanja, ebisolo ebirundibwa n'ebirala • Ekitongole ekivunaanyizibwa ku kukuuma omutindo mu Uganda –okuyingiza mu ggwanga emmere eyongeddwako omutindo, eddagala, n'ebyamaguzi ebikolebwa mu makolero

5. Foomu ekozesebwa okukebera emigugu

Ku nsalo ezimu mu mawanga g'omukago gw'Ebuvanjuba bw'Afrika (nga Busia ne Malaba Uganda), abasuubuzi abayingiza ebintu mu ggwanga nga bali wansi w'enkola ey'okwanguyaako eby'obusuubuzi bayinza okugamba nti ebirime bye bayingiza mu ggwanga byabwe era tebyetaagisa kuyingizibwa mu bitabo wadde okukeberebwa ab'obuyinza ku nsalo. Bwe batyo abasuubuzi ne baba nga tebetaaga muntu abayamba kuyisaawo byamaguzi byabwe. Wabula, empapula ezirina okujjuzibwa ze zijjuzibwa Omukungu wa Kasitoomu oba omukungu eyatendekebwa asangibwa mu Ofiisi ekola ku Byamawulire ag'Ebyobusuubuzi.

Sample Baggage Assessment Form


ASYCUDA

1 DECLARATION
UGBUS
BUSIA
RADDEx No.
Customs Reference
Manifest
2 Exporter No.
3 Forms 1 1
4 Load List
5 Items 1
Nbr packages
7 Reference number
2021
8 Consignee No.
9 Financial No.
11 Trading Cty.
13 C.A.P.
14 Declarant No.
15 Country of export
15 C.E. Code
17 C.D. Code
16 Country of origin
17 Country of destination
19 Ctr.
20 Delivery terms
21 Identity and nationality of active means of transport crossing the border
22 Currency & total amount invoiced 0.00
23 Exch. rate 0.00
24 Nature of transac.
25 Mode transport at border
26 Inland mode Transport
28 Financial and banking data Bank Code
Terms of payment
30 Location of goods
31 Packag... and description of goods
Marks and numbers - Containers No(s) - Number and kind
Marks & no of packages
Nbr & Kind
Containers No(s)
32 Item 1 No.
MVR
33 Commodity code
34 Cty. orig. Code
35 Gross mass (kg)
36 Prefer.
37 PROCEDURE
38 Net mass (kg)
39 Quota
40 Summary declaration / Previous document
S/L
41 Supplementary units
44 Add. info Documents Produced Certificates and autho-rization
Licence No
0+0+0+0.0
D.Val
D.Qty
A.D.
Prev. Warehouse
A.I. Code
46 Statistical value
0
47 Calcul-ation of taxes
Type
Tax base
Rate
Amount
MP
48 Deferred payment
49 Identification of warehouse
B ACCOUNTING DETAILS
Mode of payment CASH
Assessment number
Date
Receipt number
Date
Guarantee
Date
Total fees
UGS
Total declaration
UGS
Total
50 Principal No.
Signature
Warehouse Declarant
No.
51 Intended offices of transit and country
Represented by
Place and date
Declarant third party
Location of destination
52 Guarantee not valid for
Code
D CONTROL BY OFFICE OF DESTINATION
Stamp
Signature
54 Declaration I/We Fridah Kankoma
the undersigned, being the Agent do hereby declare that information declared on entry is true,complete & accept fully conditions & requirements attached to the use of CPC declared therein & comply with provisions of EACCMA

6. Ekiwandiiko kimu ekitongole ekikozesebwa wonna

Abasuubuzi abafulumya/okuyingiza abyamaguzi mu ggwanga nga bagoberera emitendera egikkirizibwa mu mukago gwa mawanga g'Ebuvanjuba bw'Afrika (etali nkola eyanguya eby'obusuubuzi -STR), balina okunoonya agenti abayambe okukola ku kiwandiiko ekimu ekikola wonna (SAD).

Ekiwandiiko kino kikozesebwa okulaga mu bujjuvu ebyamaguzi ebiyingizibwa mu ggwanga. Kikozesebwa mu nkola y'okubeera ne ofiisi ku kizimbe ekimu.

Ekyokulabirako kye kiwandiiko kimu ekikozesebwa wonna mu mukago gw'Ebuvanjuba bw'Afrika

EAST AFRICAN COMMUNITY

C.17 B
CUSTOMS
Page 1 of .....

SINGLE ADMINISTRATIVE DOCUMENT (SAD) - SIMBA

1 Exporter /Consignor	TIN/PIN	2. Processing Office	3. Frontier office	4. Regime code	FOR OFFICIAL USE Entry Number and Date
		5. Voyage/Flight/Vehicle No.	6. Date of arrival/departure.		
		7. Manifest Number	8. AWB/BL/RCN No.	9. Country of Consignment	
10. Importer / Consignee	TIN/PIN	11.Ctry of last Consign / 1st Dest.	12.Country of final Destination	13..Port of Destination	
		14. Place of discharge/Loading	15.Mode of transport	16. Nationality of Transport	
		17.Vehicle owner/Driver	18. Seal Number(s)	19.Country of Transit	
		20.Total Number of Items	21.Total Packages	22.Total Gross Weight	
23. Declarant / Agent	TIN/PIN	24. Location of Goods	25. Warehouse code	26. Period in W/hse/Transit	
		27.Valuation method	28. Total F.O.B Value	29.Terms of Delivery	
		30.Terms of Payment	31. Account Number .	32.Bank / Branch Reference	
	Declarant Ref. No.	33. Bond Security Number	34. Bond/Cash Amount	35. Total Freight	
36. Total Insurance	37. Total Other Charges	38. Total Customs Value	39. Other information		

Item 01					
40. (a) Shipping Marks & Nos./Container Nos.		(c) Commodity code	(d) C.P.C	(e) Gross Weight	(f) Net Weight
(b) Goods Description		(g) 1st Supp. Qty.	(h) Units 1st Supp Qty	(i) 2nd Supp. Qty.	(j) Units 2nd Supp Qty
		(k) Type of packaging	(l) No. Packages	(m) Country of Origin	(n) Preference code
(o) License Number	(p) License Value / Qty	(q) Value/Qty Deducted	(r) FOB Value	(s) Freight	(t) Insurance
(u) Other Charges	(v) Currency Code	(w) Exchange Rate	(x) CIF Value	(y) Customs Value	

41. REVENUE INFORMATION				43. Attached documents		44. Preceding Documents Ref.
(aa) Tax Type	(bb) Tax Base. / Value	(cc) Rate	(dd) Tax Due	45a. Code	45b. Number	
I						
Ii						
Iii						
Iv						
V				(ee) Total Tax due on this item		

46. SUMMARY TOTALS	i	ii	iii	iv	v	47. Other Charges 47a. Code	47b. Amount
This Page							
Other Pages							
Totals							

48. Grand Totals (Duties, Taxes and Other charges)

49. Declaration

I/We ……the undersigned of. …… (Company name)

Being the Agent/Principal of. …… (Importer/Exporter) do hereby

declare that the information and particulars declared herein are true and complete.

Signature and Stamp…….. Place…….. Tel/Fax……

FOR OFFICIAL USE	
PROPER OFFICER	CASH /CHEQUE Amount Paid …… Receipt Number and Date …… Cashier's Signature and Stamp ……

4

EMITENDERA GY'OKUFULUMYA N'OKUYINGIZA EBYAMAGUZI MU MUKAGO GW'EBUVANJUBA BW'AFRIKA

Mu nkola egonza eby'obusuubuzi ne Ofiisi z'amawanga agagabana ensalo ezisangibwa awamu (OSBP)

1. Omusuubuzi atuuka mu kifo ebyamaguzi we bikeberebwa mu ggwanga eriyingiza ebyamaguzi ebyo.

WOOTUUKIRA

OWAAYO YINVOYISI

Omusuubuzi alaga Omukungu wa Kasitoomu avunaanyizibwa ku kukebera ebintu ku nsalo mu ggwanga eriyingiza ebyamaguzi olupapula olunnyonnyola ebyamaguzi, olukalala lw'ebintu (bwe lubaawo), Satifikeeti eraga ebintu gye biva, Olukusa lw'okuyingiza ebintu ne y'Ebyobulamu, Satifikeeti eraga nti tebiriimu ndwadde

2.

3. Ebyamaguzi bikeberebwa bulungi era ne bikakasibwa nti byebyo

EBYAMAGUZI WE BIKEBEREBWA

OFIISI YA KA

Omukungu w
Kasitoomu
ateekateeka
empapula ez
ebyamaguzi
ebiyisibwaw
n'alaba n'ebi
ebyetaagisa

ASITOOMU

wa

iraga

o,
sale

4.

5.

Omusuubuzi asasula ebisale mu banka

BANKA

OWAAYO ALISIITI

Omusuubuzi alaga Omukungu wa Kasitoomu alisiiti eraga nti asasudde

6.

7.

Ebyamaguzi ne biweebwa omusuubuzi.

EBYAMAGUZI BIKKIRIZIBWA OKUFULUMIZIBWA

Mu Nkola y'Okugonzaamu n'okwanguya eby'obusuubuzi-STR ku nsalo awali ofiisi z'amawanga ebbiri

Ku nsalo awatali ofiisi emu egabanibwa amawanga abiri (OSBP), ebyamaguzi, ebidduka, abantu bateekwa okuyita mu mitendera egy'okusala ensalo ku njuyi zombi ez'ensalo z'amawanga.

Mu ggwanga erifulumya ebyamaguzi

1. Omusuubuzi atuuka mu kifo ebyamaguzi we bikeberebwa mu ggwanga erifulumya

WOOTUUKIRA

OWAAYO YINVOYISI

2. Omusuubuzi awaayo olupapula olunnyonnyola ebyamaguzi n'olukalala lw'ebintu by'alina (bwe lubaawo) eri Omukungu wa Kasitoomu

3. Omukungu wa Kasitoomu yeetegereza omuwendo gw'ebintu

ASSESSING OF VALUE

OKUKAK EBYAMA

Omukungu w Kasitoomu (o Omukungu avunaanyizib mawulire g'ebyobusuu eyakakasibwa Kasitoomu) a n'akakasa olu lw'ebyamagu

ASA
GUZI

a
ba

wa ku

buzi
a aba
kebera
kalala
zi

4.

5.

Omukungu wa Kasitoomu (oba Omukungu avunaanyizibwa ku mawulire g'ebyobusuubuzi eyakakasibwa aba Kasitoomu) ajjuza foomu eraga ebyamaguzi gye biva

OKUJJUZAAMU SCOO

OKUWAAYO SCOO

Omusuubuzi awaayo foomu eraga ebintu byalina awamu ne Satifikeeti eraga ebyamaguzi gye biva eri Omukungu avunaanyizibwa ku byobulamu akebera ebintu ebyo (yinsipekita wa byabulamu oba endwadde)

6.

Omukungu akebera ebyobulamu n'endwadde akebera ebyamaguzi n'awandiika Ebbaluwa ebita okugenda, ebyamaguzi bwe biba nga bituukana n'omutindo gw'ebyobulamu ogukkirizibwa

7.

EBYOBULAMU N'OBUTEBENKEVU BAKEBERA EBYAMAGUZI

8.

Omusuubuzi awaayo Ebbaluwa Ebita okugenda eri Omukungu wa Kasitoomu, ate ye n'awandiika Ebbaluwa ebikkiriza Okufuluma

OKUFUNA EBBALUWA EBIKKIRIZA OKUFULUMA

OKUSALA ENSALO

Omusuubuzi asala ensalo n'ebyamaguzi bye n'agenda mu ggwanga eriyingiza ebintu ebyo

9.

Mu Nkola y'Okugonzaamu n'okwanguya eby'obusuubuzi-STR ku nsalo awali ofiisi z'amawanga ebbiri

Mu ggwanga eriyingiza ebyamaguzi



Omukungu wa Kasitoomu yeekebejja ebiwandiiko, n'akebera ebintu, n'omuwendo gwabyo, n'ateekateeka Ebbaluwa Eraga Ebyamaguzi omuntu by'alina (eno eyinza okuba Foomu ekozesebwa okukebera Emigugu gy'obwanannyini) n'alaba n'omusolo ogwetaagisa okusasula (gamba nga omusolo ogusasulwa ku magoba gaafuna)

3.

OKUMANYA OMUWENDO OGUJA MU BYAMAGUZI



OKUWAAYO SCOO

Omusuubuzi awaayo Ebbaluwa Ennyonnyola Ebyamaguzi by'alina, Satifikeeti eraga gye biva n'Ebbaluwa Ebikkiriza Okufuluma okuva mu ggwanga gye bivudde eri Omukungu akebera ebyobulamu n'endwadde mu ggwanga gye biyingira

4.

Omukungu akebera ebyobulamu n'endwadde akebera ebyamaguzi n'awandiika Satifikeeti y'Okuyingiza mu ggwanga awamu ne Satifikeeti y'Ebyobulamu n'obuyonjo oba eraga nti tebiriimu ndwadde awamu n'Ebbaluwa Ebikkiriza Okufuluma, ebintu bwe biba nga bituukana n'omutindo gw'ebyobulamu.

5.

SATIFIKEETI EKKIRIZA EBYAMAGUZI OKUYINGIRA

OMUSO OKU EBY

Omusu omuso za bwe kyetaa



Oluusi wabaawo ebikkirizibwa mu STR. Ekyokulabirako, abasuubuzi abalina ebyamaguzi ebiweza ddoola 2,000 n'okukka wansi, bayinza obuteetagisa kuwaayo satifikeeti ya kufulumya byamaguzi mu ggwanga, oba satifikeeti ya ndwadde wadde olukusa lw'okuyingiza ebyamaguzi. Ekyo tekitegeeza nti mu STR, abasuubuzi bakkirizibwa okufulumya oba okuyingiza mu ggwanga ebirime ebyakakungulwa ebitatuukagana na mutindo gwa bya bulamu.

Ebirime byonna ebyakakungulwa bikeberebwa era biteekwa okutuukana n'omutindo gw'ebyobulamu ogwetaagisa, kyokka olw'okuba ng'ebyamaguzi biba bitono, mu nkola ya STR awamu n'ebyamaguzi ebisuubulwa mu bungi ddala, satifikeeti z'okufulumya, ne satifikeeti z'ebyobulamu n'endwadde awamu ne satifikeeti z'okuyingiza ziyinza obutagabibwa ku buli kusuubula okugenda mu maaso mu nkola ey'okwanguyaako eby'obusuuzi (STR).

5

AMAWULIRE AMAKULU AGAKWATA KU MISOLO

Okuteekebwawo kwa Katale Akawamu mu mawanga g'Omukago gw'Ebuvanjuba bw'Afrika kyasobozesa ebyamaguzi ebirimibwa oba ebikoleddwa mu Mawanga g'Omukago obutasoloozebwako musolo bwe biba biggyibwa mu ggwanga erimu ery'omukago okutwalibwa mu ggwanga eddala ery'omukago.

Kyokka kikulu okutegeera nti obutabisoloozaako musolo ogw'okubiyingiza mu ggwanga kye kimu n'obutasasula musolo n'akamu. Wayinza okubaawo emisolo egimu egyetaagisa okusasula mu ggwanga gye biyingizibwa.

- Ebisale ku byamaguzi ebiyingizibwa mu ggwanga gye misolo egisasulwa ku byamaguzi ebyo. Omusolo ku byamaguzi ebiva mu makolero, omusolo ogusoloozebwa ku byamaguzi ebigattiddwako omutindo (VAT) ate n'omusolo ku magoba omuntu gaafunye gusoloozebwa munda mu ggwanga. Omusolo ku byamaguzi ebiva mu makolero, omusolo ku byamaguzi ebigattiddwako omutindo gisoloozebwa ku byamaguzi ebiva mu makolero. Omusolo ku biyingizibwa gusasulibwa ku ebyo ebiyingizibwa mu ggwanga.
- Omusolo ogusuubirwa ku magoba agaliva mu bintu ebitundibwa nga tebyongeddwako mutindo, ebirime ebyonooneka amangu guyinza okusoloozebwa butereevu ku sente omusuubuzi z'afuna.
- Amawanga gonna ag'omukago gw'Ebuvanjuba bw'Afrika okuggyako Kenya gasolooza omusolo ku sente omuntu zasuubirwa okufuna oluvannyuma lw'okutunda ebintu ebiyingiziddwa mu ggwanga.
- Abasubuuzi mu mawanga g'omukago gw'Ebuvanjuba bw'Afrika abasuubulira mu mawanga ago, ebirime ebyonooneka amangu nga birimiddwa mu Buvanjuba bw'Afrika bwe bagambibwa okusasula omusolo gw'okuyingiza ebyamaguzi mu ggwanga oba ku byamaguzi ebiva mu makolero g'omu kitundu ekyo oba ku bintu ebyongeddwako omutindo balina okugaana.
- Abasubuuzi b'ebirime ebyonooneka amangu mu mawanga g'omukago gw'Ebuvanjuba bw'Afrika wabula bayinza okusasuzibwa omusolo ku magoba ge bafuna mu ggwanga gye baba bayingizza ebyamaguzi byabwe.

Bulijjo funa olukala-la olutuufu oluliko emisolo gyonna egy'enjawulo egikugambibwa

Emigaso gy'okufuna ennamba kw'osasulira emisolo
Abasuubuzi abalina ennamba kwe basasulira emisolo (TIN or PIN) basobola okusasula emisolo egibabanjibwa butereevu eri abawooza (mu banka, mobile money oba ku kyuma kya sente mu banka) nga tebayise mu bbulooka oba agenti mulala yenna. Enkola ey'okusasula ng'okozesa tekinologiya ow'omulembe ewewula ku buzibu bw'okusaba n'okuwa enguzi bwe kityo neeyamba okulwanyisa enguzi.

Abasuubuzi abeewandiisa nga balina ennamba z'okusasulirako emisolo mu mawanga gye bayingiza ebyamaguzi bayinza nnyo obutasasula musolo ku magoba ge basuubirwa okufuna mu byamaguzi bye bayingiza ku nsalo we babiyingiriza, bwe bazuulibwa nga basasula bulungi emisolo gya gavumenti. Kino abasuuzi abo bakifunamu nnyo.

Ate Era, Abasuubuzi abalina ennamba kwe basasulira emisolo abatuukiriza ebisaanyizo by'okulondebwa ng'Abasuubuzi abatongozeddwa Gavumenti bajja kuganyulwa kubanga ebyamaguzi byabwe bijja kukeberebwa mangu n'okuyisibwa ku nsalo, emisoso okuva mu Kitongole ky'eggwanga ekisolooza emisolo gijja kukendeera nga bwe kyayogeddwako waggulu mu katabo kano.

Abasuubuzi abateetegese kufuna nnamba za kusasulirako misolo baweebwa amagezi okwewandiisa mu kibiina ky'obwegassi eky'abasuubuzi b'oku nsalo olwo nno basobole okukozesa ennamba y'okusasulirako omusolo ekozesebwa ekibiina ky'obwegassi n'okufuna emiganyulo egyogeddwako waggulu.

6

EBIWANDIIKO EBIKKIRIZIBWA MU KUTAMBULA

Okwongereza ku biwandiiko eby'okufulumya oba okuyingiza ebyamaguzi omuntu by'asaanidde okuba nabyo, omusuubuzi ateekwa okuba n'ebiwandiiko ebimutambuza bw'aba wa kusala nsalo okuyingira mu ggwanga eddala ery'Omukago gw'Ebuvanjuba bw'Afrika.

Mu kibangirize ekya kilomita kkumi okuva ku nsalo, abatuuze bakkirizibwa okutambula nga tebalina biwandiiko biboogerako. Kyokka bwe basukka kilomita ekkumi, abasuubuzi b'omukago gw'Ebuvanjuba bw'Afrika abasala ensalo okudda mu ggwanga eddala ery'omukago, bateekwa okuba abeetegefu okulaga ab'obuyinza ebisaanyizo ebibakkiriza okutambula bwe biba bibasabiddwa.

Ebiwandiiko by'okutambula ebyakakasibwa mu Mukago gw'Ebuvanjuba bw'Afrika

Eggwanga	Pasipoota	Endaga muntu	Olukusa oluk-kiriza omuntu okutambula mu mawanga g'omukago	Visa	Satifikeeti y'omusujja gw'enkaka	Satifikeeti eraga nti wake-berebwa Lu-miimamawug-gwe
Burundi	X			X	X	X
Kenya	X	X	X	X	X	X
Rwanda	X	X	X	X	X	X
Tanzania	X			X	X	X
Uganda	X	X	X	X	X	X
Sudan eya Maserengeta	X			X	X	X

Bannansi b'e Kenya, Rwanda ne Uganda bayinza okuyingira mu nsi ezo waggulu bwe baba n'endaga muntu oba n'ebbaluwa ey'obuwandiike ekkiriza omuntu okutambula.

Burundi, Kenya, Rwanda, Tanzania ne Uganda bawa abatuuze b'omukago gw'Ebuvanjuba bw'Afrika visa nga yabwereere. Era okutandika ne Okitobba 1, 2021, Sudan eya Maserengeta nayo ejja kulekeraawo okusaba abatuuze b'omukago gw'Ebuvanjuba bw'Afrka ssente za visa.

7

AMATEEKA G'EKITONGOLE KY'EBYOBULAMU EKY'ENSI YONNA AGAGOBERERWA MU KUZIYIZA N'OKWEWALA LUMIIMAMAWUGGWE (COVID-19)

Obulwadde bwa Lumiimamawuggwe buleese emitawaana mingi mu nsi yonna. Okusobola okukuuma bannansi nga tebakwatiddwa bulwadde obwo, mu mbeera enzibu ennyo okutegeera, amawanga mangi gaateekawo obukwakkulizo bw'okutambula, obwaleetera ebyobusuubuzi okukosebwa. Ebikwata ku bulwadde bwe byagenda byeyongera okumanyika, amawanga geeyongera okuwa obukwakkulizo ku ngeri abantu awamu n'ebyenfuna bwe birina okuddamu okutambuzibwa. Embeera zino zigenda zikyusibwa okusinziira ku mbeera ez'enjawulo eziriwo.

Mu mawanga g'omukago gw'Ebuvanjuba bw'Afrika, waliwo obukwakkulizo obwakkiriziganyizibwako. Kyokka obukwakkulizo obwo bwassa nnyo essira ku basuubuzi abanene ne bwerabira abasuubuzi abatono. Wabula embeera eyo etandise okukyuka mpola mpola. Olw'okuba ng'obukwakkulizo bweyongera okukyuka, ekitundu kino kissa essira, ku by'okuwabula ebiva mu Kitongole ky'Ebyobulamu eky'Ensi yonna (WHO) olw'okutebenkera kw'obulamu bwa buli muntu, obutakyuka.

1. Okunaaba engalo buli kiseera;
2. Okunaaba engalo n'amazzi agalimu eddagala, oba ne ssabuuni.
3. Okweewa amabanga buli muntu ne munne;
4. Okweewa ebbanga lya mita ng'emu (fuuti ssatu) wakati wo n'omuntu omulala, akolola oba ayasimula.
5. Okwewala okukwata mu maaso, ku nnyindo ne ku mumwa. Lwaki? Engalo zikwata ku bingi, era ziyingiramu obuwuka. Bwe zibaako obuwuka, buvaako ne buyingira mu maaso, mu nnyindo ne mu kamwa.
6. Weeyigirize okussa empewo ennyonjo;
7. Ssala amagezi okulaba nga ggwe wennyini, n'abantu abakwetoolodde mussa empewo ennyonjo. Ekyo kitegeeza okubikka ku mumwa gwo n'ennyindo ng'oweta ku lukokola lwo oba n'okukozesa akatambaala ng'okolola oba ng'oyasimula.

8. Bw'oba olina omusujja, ekifuba oba ofuna obuzibu mu kussa, funa obujjanjabi nga bukyali; ate era
9. Osigale eka bw'oba nga teweewulira bulungi. Bw'oba nga olina omusujja, ekifuba n'okufuna obuzibu mu kussa, funa obujjanjabi ate bw'oba osobodde sooka okubire abasawo essimu.

8

AW'OKULAGA OKUFUNA OBUYAMBI

Waliwo ebifo bingi omusuubuzi wayinza okulaga okufuna obuyambi, bw'aba afunye okusoomozebwa mu kusala ensalo.

Abasuubuzi abamu basanga okusoomozebwa olw'obutamanya kyetaagisa mu kusuubulira mu mawanga g'omukago gw'Ebuvanjuba bw'Afrika. Ekyokulabirako, omusuubuzi ayinza okwagala okufulumya ebweru w'eggwanga ennyaanya embisi kyokka nga zaafuyibwa eddagala eritta ebiwuka, ate nga lya bulabe eri abantu. Mu mbeera ng'eyo Omukungu akebera ebirime mu ggwanga gye biva, tajja kugaba satifikeeti eraga nti ebyamaguzi si byabulabe kubanga abantu abanaalya ennyaanya ezo bajja kutuukibwako obulabe.

Ekyokulabirako ekirala, omusuubuzi ayinza okugezaako okuleeta omuceere mu Uganda oguva e Pakistan, kyokka nga gwagulibwa Tanzania. Mu mbeera ng'eyo, olw'okuba ng'omuceere tegwalimibwa mu Buvanjuba bw'Afrika, wabula mu Pakistan, omusuubuzi tajja kusobola kufuna satifikeeti eraga muceere gye guva, kubanga tegwalimibwa mu Tanzania. Ate n'ekirala, omusuubuzi ateekwa okusasula omusolo ku muceere ogwalimibwa e Pakistani, ate ne guyingizibwa mu Uganda okuyita e Tanzania.

Ebisoomoza ebyo waggulu n'ebifaananako ng'ebyo bisobola okwewalibwa ssinga abasuubuzi b'amawanga g'omukago gw'Ebuvanjuba bw'Afrika bafuna amawulire agakwata ku nsonga z'ebyobusuubuzi mu kitundu kino.

Ebimu ku bifo omuntu gy'ayinza okugenda okufuna obuyambi bye bino wammanga:

1. Ofiisi y'amawulire agakwata ku by'obusuubuzi mu COMESA: esangibwa ku zimu ku nsalo z'amawanga g'Omukago gw'Ebuvanjuba bw'Afrika
2. Ebizimbe ebisangibwa ku nsalo omuli ebitabo n'amawulire agoogera ku by'obusuubuzi: Nga bikulemberwa Ekiwendo Ekiwagira enkulaakulana mu bakyala mu bitundu ebisangibwa mu Buvanjuba bw'Afrika (EASSI)
3. Ebibiina by'obwegassi eby'abantu abasuubulira ku nsalo ne/oba ofiisi z'ebibiina by'abantu abeegatta n'ekigendererwa eky'okukolera awamu: nga bisangibwa ku buli nsalo mu mawanga g'Omukago gw'Ebuvanjuba bw'Afrika.
4. Amateeka agafuga eby'obusuubuzi mu ggwanga (NTB), Ennondoola: Enkola abasuubuzi mwe boogerera ebisomooza ebiteekuusa ku misolo bye basanga mu mirimu gyabwe nga bakozesa obubaka bw'oku ssimu oba foomu ezisangibwa ku mutimbagano. Amawulire ku mateeka agafuga eby'obusuubuzi mu ggwanga gasobola okukozesebwa okumanya ebisomooza abasuubuzi bye basanga mu bintu bino wammanga:
   i. Ebifo awali minzaani
   ii. Omutindo gw'okukebera ebyamaguzi
   iii. Ensalo awasunsulirwa ebyamaguzi
   iv. Ekifo we bakolera ku byonna ebiyingira mu ggwanga
   v. Ebifo Police weeteegera (loodibulooka)
   vi. Okuwandiisa bizinensi ne layisinsi
   vii. Okukebera ebimera n'ebisolo
   viii. Ensonga ezikwata ku mukago gw'amawanga g'Ebuvanjuba bw'Afrika
   ix. Ebirala

Eggwanga	Omukutu we bawandiika amawulire ku mateeka agafuga eby'obusuubuzi mu ggwanga
Kenya	http://ntbkenya.meac.go.ke/NTBKENYA/Security/SignIn.aspx
Rwanda	https://tradefacilitation.rw/ntbs/Welcome/nc
Uganda	http://ntbtool.mtic.go.ug/register.php / oba okusindika obubaka obuwandiike ku ssimu ku #201

EAST AFRICAN COMMUNITY

Published by the East African Community (EAC) Secretariat,
EAC Headquarters, 3 EAC Close, P.O. Box 1096, Arusha, United Republic of Tanzania,
www.eac.int, by Brisk Solution Ltd.
November 2021

Text: Dorothy Tuma

Translations:
Dr. Elizabeth Godwin Mahenge (Kiswahili),
Dr. Amos Mwesigwa Kasule Ssekitto (Luganda),
Jules Kazungu (Kinyarwanda),
Onesime Niyukuri (Kirundi).

Illustration and layout: Semeyian Nassei

Supported by GIZ/EAC through GFA Consulting Group GmbH;
GIZ Programme 'Support to East African Market-Driven and People-Centred Integration',
EAC Headquarters, Arusha, United Republic of Tanzania
(www.giz.de; www.eacgermany.org),
on behalf of the Federal Ministry for Economic Cooperation and Development (BMZ), Germany